ENNYINGO - 3

PAULO KIYINGI ASAJJAKULA

3.1 Afuna omulimu ewa Provincial Commissioner, Buganda

Olwokuba Paulo Kiyingi yali amaze okukuguka mu by'okukuba tayipu, obutaputa n'okuddukanya ofiisi, teyasanga buzibu bwonna mu kufuna mulimu mu office enkulu bwetyo mu Gavumenti nga omu ku bawandiisi abaddugavu (Native Administrative Secretary). Yeyakyusanga ebiwandiiko bya Gavumenti enkuumi (Protectorate Government) okubiggya mu Luzungu okubizza mu Luganda. Mu ngeri eyo yali lutindo lukulu wakati wa Gavumenti enkuumi ne Gavumenti ya Ssabasajja e Mengo. Yali mu ofiisi eyo bwe waliwo enkyukakyuka mu bukulu bwa Provincial Commissioner, Buganda, okufuuka Resident Buganda mu Apuli 1939. Kino kyakolebwa okujjawo obufuzi bwa ba District Commisioners abana mu Buganda ne ba Assistant babwe, bonna abaali wansi wa Provincial Commissioner. Mu kifo kyabwe nebakuza abaami Abamasaza (Ssaza chiefs) okusobola okufuga abantu babwe butereevu wansi wa Kabaka. Olwo nebalyoka bagunjawo abawi ba magezi Resident Buganda beyebuuzangako mu kufuga Buganda. Kino ne kisobozesa Buganda okufugibwa nga ekitole wansi wa Resident omu, ku ludda lwa Gavumenti enkuumi; wansi wa Kabaka n'abaami ab'amasaza ku ludda olulala.

Okumanya nga Kiyingi yali mukozi mulungi, waliwo omulundi gwe baayagala okumufeebya mu mwaka 1943, bwe baaleeta ba musayi muto abaali baakafuluma e Makerere nga balowoza nti yali akaddiye takyasobola kuvuganya nabo mu by'okukuba tayipu. Kyokka bwe bagenda okubagezesa, bonna beyatuula nabo yabanywamu akendo. Bwatyo nebamukuza okutuuka ku daala ly'okukulira abakozi bonna abaddugavu mu ofiisi ya Resident Buganda (**Chief Native Administrative Secretary**), nga adda mu kifo kya Mw. Paulo Kavuma gwe baali balonze okuba owe ssaza Kimbugwe e Buluuli. Paulo Kiyingi emirimu gye yagikozesa maanyi na buvumu. Empeera y'omusaala nayo yali nungi, nga ensimbi afunira ddala eziwera. Bwatyo nasobola okuteeka amaka ge ku mutindo ogwa waggulu. Yali ku daala eryo obutabanguko obwamuviiramu okuwangangusibwa webwagwirawo mu 1945.

3.2 Paulo Kiyingi (PK) asooka okuwasa Omukyala Ayisa Nakku

Paulo Kiyingi yali amaze okufuna omulimu n'ekibanja e Makerere, ku luguudo Nanfumbambi Road, oluva ku mairo ebbiri (2) ku lwe Bombo okugenda ewa Zaake. Yasooka n'awasa mu mpisa ye Kiganda omukyala gwe baayitanga Ayisa Nakku, eyali muwala wa Busiri Muwanga (eyalina oluganda ku Mulangira Noha Mbogo, kitaawe w'Omulangira Badru Kakungulu) mu mwaka 1925. Mu kwagalana kwabwe baazaala abaana babiri, Musa Semyano Kiyingi mu mwaka 1926 ne Maliyamu Namitala mu mwaka 1928. Kiyingi yalonda amannya ago Musa (Moses) ne Maliyamu (Mary) kubanga gaali gagatta eddiini zombi, eye Kikristaayo (eyiye) neye Kiyisiraamu (eya maama w'abaana). Wabula omukyala oyo olw'okuba omusiramu, mu kiseera ekyo eddiini ye yali tekkiriza atali musiramu kuwasa mwana wa musiramu. Ekyo nekiremesa Kiyingi okuwasa omukyala oyo. Ekyaddirira, omukyala bakaddebe baamufunira omusajja omulala omusiraamu mu bitundu bye Bulemezi gweyasobola okufumbirwa. Yagenda ali lubuto lw'omwana we ow'okubiri Namitala, alyoke amuzaalire eyo nga Semyano amulekedde kitaawe Paulo Kiyingi. Abaana abo bombi baakulira mu mikono gya Paulo Kiyingi, nga amaze okuwasa Eseza Nabwami muwala wa Mujugumbya, nga bwe tunaalaba wammanga. Semyano

yalekerwa kitaawe nga nyina agenda okufumbirwa omusajja ow'eddiini ye, ate ye Namitala nazzibwa ewa kitaawe oluvanyuma lw'obulwadde kawumpuli okuzinda ekitundu gyeyali afumbiddwa. Era nyabwe bweyazza omwana oyo naddayo, olumbe olwo terwamulwisa nerumukwata, bwatyo n'afa.

Nga bakadde ba Ayisa Nakku bamaze okulemesa Kiyingi okuwasa omwana wabwe, Kiyingi yasalawo anoonye omukyala omulala. Bwatyo kwe kwogereza n'oluvannyuma n'awasa Eseza Nabwami, muwala wa Asanasiyo Lule Mujugumbya ne Eresi Ssanyu Nambi Nabukeera, e Kassanda Ssingo. Eseza Nabwami teyasosola baana ba bba, era yabakuza bulungi mu kubalabirira awaka awamu n'okusoma.